| Essomo 9 | الدرس التاسع |
|---|---|

## Amakulu g’okukkiriza nti Muhammadi SAW mubaka wa Allah,

Amakulu g’okukkiriza nti nabbi Muhammadi mubaka wa Allah, kwekukkiriza nti Allah yamutumwa eri abantu bonna abakowoole nga abazza eri Allah, amakulu eri amateeka nebilagiro bya Allah era akola kino nga musanyufu ate era nga mutiisa, nemu Shahada eno mubitendo bino ebiri mulimu okuganira ddala okusukka ekipimo mu Nabbi SAW mukugenda waggulu oba okukka wansi kuba waliwo bangi mu bantu abenyumiriza nti bali mu Umah ya Nabbi Muhammadi SAW naye nga basukka ekipimo kuye nebamusitula nebamuteeka waggulu we ddaala Allah mweyamuteeka nebamussa mu ddaala lyokusinzibwa mukifo kya Allah. Nebamukolera ezimu ku Ibaadaat nga okumuwanjagira mwekyo kyatalina kuwanjagirwa okujjako Allah era nebamusaba ebyo byatayinako busobozi ngomutonde okujjako Allah gamba nga okubamalira ebyetaago n’okubajjilawo obuzibu ebitakolebwako kitonde okujjako Katonda w’ebitonde.

Ate abalala baawakanya obubakabwe oba nebasukka ekipimo mukumugoberera nebamukendeeza nebamujjako hakkiye eyetteeka nebakulembeza ekigambo kyebitonde ebirala kubigambobye era nebawukana nebaleka sunnaze nebazesamba nebesigamira ebigambo byabalalaebyawukana kusunnaze SAW.